**11th June 2017.**

# OKUSABA KWA DANYERI OKW'OKWEGAYIRIRIRA.III

**Danyeri 9:1-19.**

Amakya ga leero mu kweyongerayo era tumalirize okusomesebwa kwaffe ku mulamwa ***"Gw'okusaba Kwa Danyeri Okw'okwegayiririra"***, mwe tubadde tuyigira ku musajja wa Mukama, era nnabbi we Danyeri, gwe tusomesebwaamu mu kitabo kye omwaka guno, tuyigirizibwe, tunenyezebwe, tuluŋŋamizibwe, era tubuulirirwe tusobole okutuukirizibwa eri Mukama Katonda waffe ne bannaffe eri okuyitibwa kw'obutonde bwaffe bwonna.

Twaasomesebwaako mu ssuula ey'omukaaga ku mulamwa "***Gw'okusaba Okuwanguzi"***, ebisaanyizo by'okusaba era obulamu obusabi obusiimibwa Mukama okuddangamu essaala,(Qualifications of victorious prayer), wano mu ssuula ey'omwenda tuli mu kumuyigirako embala z'okusaba okutuufu okusiimibwa Mukama okuddangamu esaala,(Quality of victorious prayer). N'olw'ekyo, kirungi okumanya nti Danyeri yasabanga era nga bwe gwaali eri Mukama waffe Yesu Kristo, kyokka kisingako okumanya bwe yasabanga, era ng'abayigirizwa ba Yesu bwe baamusaba abayigirize okusaba.
Era olwo ne kitweyongera okutegeera nti wadde kikulu nnyo oggondera ebiragiro bya Mukama okusabanga tuweebwe, okunoonyanga tuzuule, n'okkonkona enzigi ziggulweewo, obulamu bwaffe bulina okusaanyiza okuddibwaamu kw'essaala zaffe, ssi ggamba nti onooba mugayaavu, n'osaba butaweera, oba nti onoonyooma obuyinza n'osaba, era nga Yesu bwe yakiggyayo nti bw'oba ogenda kuwaayo ssaddaaka yo eri Mukama n'ojjukira munno gw'olina okutereeza ensonga naye, ssooka okikole olyooke okomewo oweeyo ssaddaaka yo eri Mukama esiimibwe.

Okuviira ddala ku mulundi ogwasooka tuzze tulaba mu bufunze nti okusooka okusaba okutuufu kwe kuba nti kusinziira ku kigambo kya Mukama. (True prayer is in response to and based upon God's Word).
Eky'okubiri, nti okusaba kw'okwegayirira okutuufu kuba n'obumalirivu bw'okunyiikirira mu bbwo. (It is characterized by earnest fervency).
Ey'okusatu, nti kuweebwa mu kwelekereza.( It is characterized by Self-denial).

Eky'okuna ekitulagwa mu kusaba kw'okwegayiririra okulungi kwe kwatula. Nti kunyweezebwa n'okwatulira Mukama byonna. (It's strengthened by confession).

Eky'okutaano kye tulaba leero kwe kuba nti okusaba kw'okwegayiririra kwefaanaanyiriza mu bumu n'abantu ba Mukama.( It's identified unselfishly with God's people). Kye tulaba Danyeri akola mu lnny 5..8…10… ne mu 15 awamu ne 16. Kubanga mu butuufu ffenna tumanyi nti mu batuukirivu mu Baibuli Danyeri yali musaale, kyokka mu kwegayiririra Mukama, yeebaze nga banne kubanga akitegeera nti nsonga nnyo eri Mukama okweenenya wadde ng'abalala bayinza obutakitegeera, olwo abe oyo Mukama gw'asisinkana mu muwaatwa nga bwe yagamba mu Ezeekyeri, ekiruyi kye kikkakanyizibwe eri omusango ogw'ensonga gw'atusalira ffenna n'abaffe aboonoonyi. N'olw'ekyo Danyeri tagamba nti 'basonyiwe' wabula 'tusonyiwe', olwo essaala ye eb'ennyikire ddala mu kwegayirira kwe. Eyo ye ssaala y'omwegayirizi eyanamaddala.(True intercessory prayer).

Eky'omukaaga kwe kuba nti okusaba kw'okwegayiririra okutuufu kusinziirira ku mabala za Mukama Katonda waffe. (It is dependent on God's character). Tulaba Danyeri bwajja eri Mukama mu nny. 4…7…9…15. Nti kyaali kikulu nnyo okuba nti olw'ekyo kyaali kye yava asaba yye, sso ssi mulala. Era kye yava aba n'okukkiriza nti anayanukulwa okusinziira ku mbala za Mukama ezitajjulukuka.

N'ekinaasembayo, kwe kuba nti okusaba kw'okwegayiririra okutuufu kuluubirira kitiibwa kya Mukama. (It's aimed at glorifying God). Bwe tusoma okuva ku lnny. 16 -19 tulaba Danyeri bwe yakyaatulira Mukama nti……

N'olw'ekyo nti essira ly'okusaba kwange ssi kwe kufunamu wabula okuweebwa kw'ekitiibwa erinnya lyo Mukama kye lisaanidde. N'essaala y'abayigirizwa bwe tugikomekkereza… "Kubanga obwakabaka n'obuyinza n'ekitiibwa bibyo, emirembe n'emirembe…Amiina

Amazima nkiwa nti bwe tuyiga okusaba nga Danyeri bwe yasabanga, obulamu bwaffe bunaabanga obubwe bwe bwaali, era nze nfuba nnyo okuba nti mu mwaka guno Mukama anandeetera enkyuukakyuka mu bulamu bwange olw'ebyo bye tusomesebwa mu kitabo kya Danyeri, nemme kusigala kye kimu.

Ate gwe munange? Jjukira nti ffena tuweebwa obuvunaanyizibwa okusinziira ku bye tuweebwa. N'olw'ekyo Mukama atusaasire.